**4th October 2015.**

# ESSAALA YA MUKAMA WAFFE YESU KRISTO. II.

**Yokaana 17.**

Mu kweyongerayo kwaffe okulaba essaala ya Mukama waffe Yesu Kristo gye twanditutte ng'enkulu, mwe twalabira omulundi oguwedde okuggumizza kwe kw'obweetaavu bwaffe obw'okusabanga Katonda Kitaffe ng'engeri en'etusobozesa okumugulumizanga mu bulamu bwaffe, awamu n'ottusobozesa okubazanga ebibala ebyo by'atwaagaza okweyongera okubaza ate eby'olubeerera, nate era ng'engeri eneetuleetera okujjuzibwa essanyu olw'obutuukirivu bw'obulamu bwaffe mu kuweesa Mukama ekitiibwa, nga bino twaalaba mu Yesu Kristo eky'okulabirako eky'enkalakkalira kuba obuweereza bwe gye tuli n'okutuusa leero kwe kutwegayiririranga nga bwe tugambwa mu Baeb. 7:25.
Twamenya ebikolo omusanvu ebiri mu ssaala eno ebyaali emilamwa emikulu mu njiri ya Yokaana yonna;

1. Obuwulize bwa Yesu Kristo eri Kitaawe obutuukiridde.
2. Okugulumizibwa kwa Katonda Kitaffe mu kufa n'okuzuukira kwa Yesu.
3. Okw'olesebwa kwa Katonda Kitaffe mu Yesu Kristo.
4. Okulondebwa kw'abayigirizwa okuva mu nsi.
5. Obuweereza bw'abayigirizwa eri ensi.
6. Obumu bw'abayigirizwa obusinziirira ku bumu bwa Kitaffe n'Omwana.
7. Obubeezi bw'abakkiriza mu kubeerawo kwa Kitaffe n'Omwana.

Ne tulaba n'ekitundu ekisooka ku bisatu essaala eno byeyagabanyizibwaamu, nga Yesu Kristo yeesabira mu ngeri yemu gye yayigiriza abayigirizwa be okutandika okusabanga kwaabwe, era gamba okwaffe eri Mukama, nti "Kitaffe ali mu ggulu, Erinnya lyo ligulumizibwe…"
Leero nga tweyongerayo mu ssaala eno tunaalaba ebitundu ebibiri; Yesu mwe yasabira abatume. Ne mwe yasabira abakkiriza mu Yye emirembe gyonna.
*[Tusome nny.6 -19….]*.
Mu bino tulaba obukulu bw'okolesebwa kw'erinnya lya Mukama Yesu kkenyini bwazze awa abayigirizwa, mu kubasomesanga amazima g'obwakatonda bwe nga 'Nze Ndi', nti emirundi omusanvu mwe yabaatulira erinnya eryo, yali abalaga

obujjuvu bw'obwakatonda mu Yye mu ngeri ze baalina okutambulizaamu obulamu bw'okukkiriza kwaabwe mu Yye emirembe gyonna. Tujjukire nti yabagamba;
Nze Ndi Emmere y'obulamu.
Nze Ndi Amazzi g'obulamu.
Nze Ndi Omusana gw'ensi.
Nze Ndi Omulyango gw'endiga.
Nze Ndi Omusumba Omulungi.
Nze Ndi Kkubo n'Amazima n'Obulamu.
Nze Ndi Muzabbiibu gwennyini.
Nga mw'ebyo byonna okukkiriza kwaabwe mwe kwaalina okubaleetera okukyuusibwa okuggibwa mu nsi babe babe, era mu kubyeyongereramu nga bwe yabagamba mu ssuula 8: mwe banaakakasibwa okuba ababe, nga bwe twaasomesebwa.
Olwo ky'ava abasabira okweyongera okutukuzibwa n'ekigambo kya Mukama kye bakkiririzaamu ng'amazima ddala. Nga bwe bukakafu gyetuli naffe nti awatali kigambo kya Mukama mu ffe, tuba ba nsi, era tuba bakyaafu ddala obutasaanyiza ttuyita "ba Kristo" – "Bakristaayo".

Mu kitundi eky'okusatu Tusome nny. 20 – 26.
Tulaba nga Yesu asabira obumu bwaffe obutugwaanidde leero abamukkirirzaamu olw'ekigambo obusinziira mu kwagala.
Nti nga bwe wali okwagala okutuukirivu mu bwakatonda, ne mu ffe bwe kitugwaanidde okwagalana tube mu bumu bwe bumu obuli mu bwakatonda, olwo tube ddala abaawulibbwa mu bumu bw'omwoyo Omu mwe tubatizibwa mu linnya lya Kitaffe , n'Omwana n'Omwoyo Omutuukirivu.
Okwagala kuno era okwagalana okukakasa obumu, Yokaana akwogera ko nnyo mu bbaluwa ze nga bwe tusomako mu bbaluwa essooka 4: 7 -21 nga tumaliriza…..

Awo we tulabira obulungi nti ne mu ssaala ya Mukama waffe Yesu Kristo, eno Yokaana yali aweebwa obusobozi bw'omulamwa gwe omukulu gw'enjiri ye nti mu yyo tukkirize nti Yesu ye Kristo, Omwana wa Katonda; era bwe tukkiriza tube n'obulamu mu linnya lye.........